Omu Okuva Mu Buli Kakadde

Weebale, ow'oluganda. Weebale, Ow'oluganda Shakarian.

Era mbalamusizza enkya ya leero, ab'emikwano. Mazima ddala kirungi nnyo okubeera wano mu Los Angeles nate enkya ya leero, nga olukuŋŋaana luno olukulu terunnatandika, wamu n'olukuŋŋaana olugenda okubaawo mu wiiki eno ejja olw'okubeera ku Embassy Hotel. Mwenna mbasuubira okubaayo. Era ffenna twesunga bya nsusso okusisinkana Mukama waffe Yesu, okumulabayo. Yasuubiza nti Ajja kubeerangawo, "wonna ababiri oba abasatu we baliba bakuŋŋaanidde awamu," nti Alibaawo.

2 Era nkakasa nga nnamusisinkanye enkya ya leero bwe nnabadde nninnyalinnya amadaala agayingira mu kizimbe kino, abantu bonna mwe batudde n'okwesunga okutayogerekeka, nga balindiridde eky'enkya awamu n'okubuulira. Era kirungi okukuŋŋaanira wano nammwe, kati eri mmwe abawuliriza okuyita mu leediyo. Munda muno mulimu abantu bangi nnyo ddala, bali . . . Nzikiriddeko ne wansi ku mwaliiro oguddako, okusobola okubaako n'abatonotono be njogerako nabo. Era ndabyeyo ebyetaago bingi nnyo, abalwadde b'emitima, n'abalina endwadde ezitali zimu mu mibiri gyabwe, era kaakano tuli wano okusabira abalwadde wamu n'abanyigirizibwa.

3 Bwe nnabadde mmalayo nti amadaala . . . Nnina omwami omukadde gwe nnengera kaakano. Yazze gyendi, n'aŋŋamba nti, "Ow'oluganda Branham, emyaka mingi egiyise . . . " Yaŋŋambye nti yalina obulwadde bw'omutima nga bumuluma yatuuka n'o . . . baatuuka n'okulowooza nti yali agenda kufa. Naye ne mmusabira, era ekisa kya Katonda ne kimuwonya. Era wuuno wano enkya ya leero, mu myaka gye egy'ekinaana, ali mu ssanyu jjereere. Kale ekyo kituleetera okuba n'essuubi eriggya.

4 Era kaakano mbasaba essaala zammwe abali eyo abawulirira ku leediyo, wamu nammwe abali wano. Bwe nnaava mu lukuŋŋaana luno, nja kugenda mu Bulaaya, nveeyo ŋŋende mu Afirika, mu nkuŋŋaana. Era kino kyesigamye ku kwolesebwa, n'olwekyo, nkakasa nga lugenda kuba lukuŋŋaana lwa maanyi. Era mmaze emyaka egiwera nga mpulira nti Mukama ayagala nzireyo. Obuweereza obutono, obwetoowaze bwe yampa, ssirowooza nga y'Amalirizza omulimu gwabwo gw'alina okubukozesa, eruuyi eyo. Lubeerera kirabise nga awakyaliyo emmeeme endala erudda eyo gye nkyayinza okukwata mu katimba k'Enjiri, ako ke Yampa okuvubisa abantu, okuyita mu kuwonyezebwa okw'Obwakatonda, nga nsabira abalwadde. Kale mazima ddala mbasaba munsabire, bantu mmwe abali wano wamu n'abo, abawuliririza ku leediyo.

5 Ssirina budde bungi kiri awo okuggyako obw'okwanjula eky'okuyigirizaako oluvannyuma mbuulire, era nga ekyo kye nsuubira okukola mu ddakiika ntono nnyo ddala wano mu—mu . . . kizimbe kino mwe tukuŋŋaanidde, naye ngezaako kubaako na bye njogera ebitonotono gye—gye muli mu ddakiika nga ziizo, tusobole okukwatagana. Kati eri abantu abali mu bitundu eby'enjawulo abayungiddwa ku mukutu, ŋŋenda kuba nga nsabira abo abatali wano, mu kaseera kano kennyini, wamu nammwe abali wano. Era ndi musanyufu nnyo ddala okusisinkana emikwano gino emipya emirungi ddala be mbadde ssisisinkanangako, nnaakabasisinkana enkya ya leero.

6 Tubaddenga n'ebiseera ebirungi ennyo ddala mu nkuŋŋaana ez'enjawulo mu bitundu ebirala. Ennaku zino sikyatambula nnyo kugenda mu bitundu bya njawulo, emirimu mingi nnyo. Tugezaako na bugeza okusigala nga tukyavaako e Jeffersonville, mu Indiana okugenda e Tucson, mu Arizona, gye twasengukira emyaka mitono egiyise, oluvannyuma lw'okufuna okwolesebwa okuva eri Mukama, eyatutumayo oku . . . nga ssimanyi na kumanya wa gye ndaga. Era bangi ku mmwe abali wano, bwe twali ku wooteeri ya Clifton, nnayogerako katono gye muli bwe nnali ssinnasimbula, wamu ne mu lukuŋŋaana lw'omu Phoenix, ku kwolesebwa okwali kuzze. Nnalaba Bamalayika musanvu nga bajjidde mu kibinja.

7 Kati mmanyi, eri mmwe abawuliririza ku leediyo, oba oli awo bangi ku mmwe mwandiba nga temuli bakkiriza abakkiriza Enjiri enzijuvu, era kino kiyinza okulabika nga ekyewuunyisa gye muli. Nga, nange gyendi, kyandindabikidde nga ekyewuunyisa, naye waliwo . . . Omuntu yenna singa abaako ekintu kyonna ky'akunnyonnyola, kiba tekikyakwetaagisa kukisembeza lwa kukkiriza. Ebintu bye tutasobola kunnyonnyola, bye tulina okusembeza nga tuyita mu kukkiriza. Katonda tetusobola kumunnyonnyola. Tewali muntu asobola kunnyonnyola Katonda. Alina obuyinza bwonna, era Ye mukulu era wa maanyi. Tu—tukikkiriza bukkiriza kubanga tumanyi nti gy'Ali. Era olw'okukkiriza kwaffe, nga tukisembeza, Aweereza gye tuli okwanukulwa, nga kwe kubatizibwa n'Omwoyo Omutukuvu.

8 Kye, ŋŋenda okubabuulirako, mu kaseera katono wano, ku kikwata ku kkubo lya "Katonda", manya, "ekifo kye eky'okumusinzizaamu." Era ekifo kyokka mw'osobola okumusinziza, ekifo kyokka mw'Asobola okukusisinkanira, wateekwa okubaawo . . . Waliwo Ekkanisa emu yokka, ekifo kimu kyokka, ekiseera kimu kyokka, abantu ba ngeri emu yokka, mu bonna bonna Katonda b'asisinkana nabo. Era nsuubira nga Obubaka obwo Mukama anaabuwa omukisa nga bwe bujja eri emitima gyammwe wano.

9 Kati, mu kujja mu Tucson, kyali kyewuunyisa, okwolesebwa okwo nga kwogera gy'oli mu Linnya lya Mukama. Nze nga

bwe nzijukira tewali n'okumu ku kwolesebwa okwo, nsobola n'okubaako omuntu omulala yenna gwe mbuuza bw'aba ajjukirayo omulundi gwonna, gwe Yali ayogedde ekintu kyonna nga si Mazima. Bulijjo kutuukirira ddala nga bw'Aba agambye nti bwe kinaaba.

10 Era Ateekwa, okusinziira ku Byawandiikibwa, okukomawo gye tuli mu nnaku zino ez'oluvannyuma, mu buweereza obw'engeri eno. Ekyo kyakubaawo oluvannyuma lw'okubatizibwa kw'Omwoyo, n'okwogera mu nnimi, n'okuwonyezebwa okw'Obwakatonda, n'ebirala, ebintu bino. Okutikkirwa kw'obubaka bwa Pentekoote kwe twogerako leero. Buno bwe buweereza bwa Kristo Mwene nga bwambadde emibiri gy'abantu Be, n'ebintu byennyini bye bimu bye Yakola bwe Yali wano ku nsi; nga buli mu Mubiri Gwe, Omugole, oyo ekitundu ku Ye, nga akola ebintu bye bimu, nga bali nga Omwami n'Omukyala, oba Kabaka ne Nnaabakyala, nga ebulayo katono bayingire mu mukolo gw'okugattibwa mu Bufumbo.

11 Wiiki eno, Mukama nga ayagadde, ekyo kye njagala okwogerako, mu nkuŋŋaana zaffe ez'okubeera wano, ku—ku Wooteeri eyitibwa Embassy, mubeere nga mumanyiira engeri yange ey'obuwombeefu gye nkikolamu. E—ebiro n'ebiseera bye tulimu, omuntu bw'aba tamanyi kkubo lya kukwata, nga tamanyi kyakukola oba ngeri ki gy'aba atambulamu, awo obeera—obeera tokyatambulira ku kukkiriza n'akatono; wabula obeera oteebereza buteebereza, oba weetulinkiriza bwetulinkiriza. Ate *okwetulinkiriza* kwe—kwe "okukola ekintu nga tokkiriziddwa mu butongole kukikola." N'olwekyo bwe tuba nga tetukkiriziddwa mu butongole kutegeera Katonda kye yagamba nti kye kiribaawo mu kiseera kino kye tulimu, tunaayinza tutya okweŋŋanga ekiseera kino kye tulimu? Ate nga tuteekwa okukyeŋŋanga, nga tumanyi, olw'okukkiriza kwe tulina mu Kigambo Kye, ebintu ebirina okuba nga bibaawo mu kiseera kino, n'embeera amawanga mwe galina okuba, embeera abantu mwe balina okuba, embeera ekkanisa mw'erina okuba, n'ebirala.

12 Ebyo byonna tulina okubimanya, okuva awo tumanye n'engeri y'okugenda okubyeŋŋanga. Ekyo bw'oba tomanyi ngeri ya kukikolamu, awo ky'obeera—ky'obeera okola kye kino kye twateranga okuyita, twakiyitanga, kutambula nnagalaale; okigwamu bugwi, nga osuubira nti kinaabaawo, nga osuubira *kino* nga osuuubira *kiri*, n'okwebuuza oba nga "kinaabaawo?" Naye ekyo Katonda si ky'ayagala tukole. Ayagala tutegeere bye Yayogera ebikwata ku kiseera kino, bwe tumala okubitegeera tubyeŋŋange olw'okukkiriza, kubanga Yagamba nti bwe bityo bwe biriba. Kati awo tu—tubeera tumanyi nti ggwe alina Amazima, kubanga kibeera tekikugambiddwa muntu mulala yenna; wabula obeera olina Ekigambo Kye ekitugamba kiki kye

tuteekwa okukola. Era tusuubira nga Kitaffe ow'omu Ggulu kino anaa—anaakituwa mu wiiki eno.

13 Kati, munsonyiwe okuba nti nvudde ku, kye mbadde njogerako emabegako, ekikwata ku kusenguka okujja e Tucson. Kati nze muli nnalowooza, nga nze, nti okwo kwe kwali kugenda okuba okukomekkerezebwa kw'obulamu bwange. Muli nnalowooza nti tewali muntu yenna ayinza kugumira ntiisa ya mbeera eyo eyaliwo mu kwolesebwa okwo ku makya ago, ku ssaawa nga nnya ez'enkya ewaka, yali ayinza kusigala nga mulamu oluvannyuma lw'ekyo okumutuukako. Na bwe kityo, nnajja e Tucson, ne nkola enteekateeka ne mutabani wange, ku lwa mukyala wange wamu ne—n'abaana bagende ne mutabani wange nga mmaze okufa, kubanga nnali ndowooza nti ye yali enkomerero yange. Era, bwe nnali mu Phoenix ne mu nkuŋŋaana endala ezaaliwo nga tekinnabaawo, nnababuulira bwe kyali kigenda okubaawo.

14 Era, nga wayiseewo emyezi mitono oluvannyuma lw'ekyo, nnali ngulu mu Sabino Canyon ku makya agamu, ekyo nga kiri mu mambuka ga Tucson. Nnali nnyambuse engulu eyo okusaba. Kati bwe nnali nsaba, omukono gwange nnali nguwanise waggulu mu bbanga, nga ŋŋamba nti, "Kitange, nkusaba obeeko engeri gy'Onnyamba, ompe amaanyi, olw'akaseera kano ke njolekedde. Naye bwe kiba nga emirimu gyange ku nsi giwedde, awo nteekwa buteekwa okujja gy'Oli. Kati si kugamba nti ssaagala kujja, wabula mmanyi nti amaka gange Ojja kugalabirira. Naye nsa—nsaba busabi ompe amaanyi ge nneetaaga olw'akaseera kano." Ne wabaawo ekintu ekyagwa mu ngalo zange!

15 Kati, eri mmwe abawuliriza ku leediyo, kino kye njogedde kiyinza okuwulikika nga ekyewuunyisa, naye ge mazima. Era Katonda ye Mulamuzi wange.

16 Nnatunula mu ngalo zange, nga mulimu ekitala, nga kiriko ekiraato ekisabise wano w'okwata. Era nga wano w'okwata waakolebwa mu luulu, nga wano w'okwata walabika nga awali ekiziyiza omukono okutemebwa ekya zzaabu. Nga—nga n'ekitala kyennyini kiringa ekimasamasa, oba, nga ekitemagana oba ekintu ekitangalijja mu musana.

17 Kati, zaali ssaawa nga nnya oba ttaano ez'oku makya, waggulu ku ntikko y'olusozi. Osobola okukubamu akafaananyi engeri omuntu (nga bwe mpulira nga ndi mu mbeera yange ey'okutegeera obulungi) bwe yandiwulidde nga yeesanze ayimiridde awo n'ekitala mu ngalo ky'atamanyi gye kivudde, nga abantu beesudde mayiro na mayiro okuva awo, naye ne weesanga nga okikutte mu ngalo zo. Nnakiyisaako engalo, ne nkikyusa ne nkiwuuba erudda n'erudda, nga, ddala, nga kitala kyennyini.

18 Ne mmagamaga. Ne nneebuuza nti, "Naye, kati, ekyo kisoboka kitya okubaawo? Nzuuno nnyimiridde wano, wennyini, wano, era tewaliiwo muntu yenna okuva wano mayiro na mayiro okunneetooloola, kati kivudde wa?" Ne ŋŋamba nti, "Kale, ki—kirabika oba oli awo oyo—oyo Mukama y'antegeeza nti enkomerero y'obulamu bwange etuuse."

Awo Eddoboozi ne lyogera ne ligamba nti, "Kino kye Kitala kya Mukama."

19 Muli ne ŋŋamba nti, "Kati, nga bwe kiri kitala, kitegeeza kya . . . kiringa ekya kabaka, ky'awa omulwanyi," mumanyi, bwe baateranga okukola mu Bungereza ne mu bifo ebirala eby'enjawulo. Kale nnalowooza muli nti, "Ekyo kye kitegeeza, nti kya mulwanyi." Muli ne ndowooza nti, "Kati, kirabika kitegeeza nti nnina okussa emikono ku bantu, oba . . . " Nnafuna endowooza eza buli . . . Mumanyi, engeri endowooza y'obuntu gy'esobola okugootaana yonna. Nga tomanyi. Endowooza zaffe ziriko we zikoma; naye Eyiye teriiko kkomo. Kati, mba nkyali mu, ne ki . . . Ne kinva mu ngalo era ssaategeera na wa gye kyagenda, kyabulawo bubuzi. Kati, ssinga kyatuuka ku muntu atalina ky'amanyi ku bintu by'omwoyo, kya—kyandimusudde n'eddalu. Wandisigadde awo nga oyimiridde, nga weebuuza ekibaddewo.

20 Awo n'Aŋŋamba nti, "Okwolesebwa kwali tekutegeeza nti obulamu bwo bugenda kukomekkerezebwa. Wabula kukwata ku buweereza bwo. Ekitala ekyo kye Kigambo. Obubonero Omusanvu bugenda kubikkulwa, ebyama bya . . . "

21 Era wiiki bbiri nga ekyo kimaze okubaawo, manyanga emyezi ebiri, manya, oluvannyuma lw'ekyo, nnali ngulu eri ku lusozi n'abamu ku mikwano gyange ekyo we kyabeererawo. Bamalayika musanvu, nga mbalaba nga bwe muyimiridde wano, ne babuuka nga bakka okuva mu Ggulu. Enjazi z'omu lusozi ne zimogoka ne ziyiringita ku busozi obwaliwo okumpi awo, a—abantu abaali bayimiridde okumpi bonna baali mu kuleekaana na kwesansabaga, nga bwe mumanyi, nga enfuufu bw'efuumuuka buli wamu. Era bwe kyabaawo, n'Aŋŋamba nti, "Ddayo ewuwo. Kati ekinaddirira, buli Malayika an'ajja ajja kubaako akamu ku bubonero k'akubikkulira ku Bubonero Omusanvu."

22 Era nga, okuyigiriza okwo kwonna kwakwatibwa ku lutambi. N'ekitabo mu bwangu nnyo kijja kuba kifulumizibwa, nga kati kiri mu kuwandiikibwa mu mpandiika y'olulimi entuufu. Nga bwe mumanyi, ggulaama wange si mulungi ekimala, era abantu tebandi . . . Okusobola okuntegeera mulina kuba bantu abanjagala era abamanyi enjogera yange. Naye waliwo eyasoma eby'eddiini ali mu kukintereereza mu mpandiika y'olulimi entuufu, nga bw'aggyamu byonna ebi—ebi . . . Kati, ob'olyawo, ekigambo kye njogedde awo si kye

kituufu okukozesa. Simanyi na kumanya. Naye, waliwo gwe mpulidde aseka, kale kirabika ekigambo ekyo "okukiteeka mu mpandiika y'olulimi entuufu" si kye kibadde ekituufu okukozesa. Naye leka njogere ng'Omudaaki bwe yagamba nti, twala ekyo kye ntegeeza so si kye njogera, ob'olyawo.

23 Era kati, ntegeezeddwa, nti wabulayo eddakiika ssatu, pulogulaamu eggyibwe ku mpewo.

24 Kaakati, eri mmwe abaagalwa abali eyo abawuliriza ku leediyo, nammwe abalwadde n'abali mu bwetaavu abali wano mu kibiina, mbasaba muteeke emikono gyammwe buli omu ku munne mu kaseera kano nga bwe tusaba essaala eno ku lw'abalwadde. Kati, Yesu yagamba, omulimu Gwe ogwasembayo eri Ekkanisa gwali nti, "Obubonero buno bunaagobereranga abo abakkiriza." "Abo," abo abakkiriza! "Bwe banaateekanga emikono gyabwe ku balwadde, banaawonanga."

25 Kitaffe omwagalwa ow'omu Gggulu, tuutuno wano leero nga abaana abato, nga tugondera ebyo bye Watugamba tukole. Tussa emikono ku byetaago bino byonna ebyaleeteddwa okuyita ku lukomo lw'essimu. Ba nnyini byetaago bino Obalaba eyo mu bitundu eby'enjawulo gye bali, engeri gye bali mu bwetaavu, nga babonaabona. Olaba n'abo abali wano abali mu bwetaavu, mu kuboonaabona. Era tubawaayo Gy'oli, ayi Katonda omwagalwa, wamu n'okukkiriza kuno mu Kigambo Kyo nga Ggwe wagamba nti, "Obubonero buno bunaagobereranga abo abakkiriza. Bwe banaateekanga emikono gyabwe ku balwadde, banaawonanga." Kitukolere, ayi Mukama, mu Linnya lya Yesu Kristo. Amiina. [Ebbanga ejjereere ku lutambi—Omuk.]

[Ow'oluganda Branham aggalawo ekitundu ekisooka ekya ppulogulaamu y'oku leediyo—Omuk.]

☆ ☆ ☆ ☆ ☆ ☆ ☆

26 Weebale, Ow'oluganda Shakarian. Ddala mukisa munene ddala okukomawo nate ku mpewo za leediyo, okwogera n'abamu ku mikwano gyaffe abali eyo abawuliririza ku leediyo, wamu n'abali wano.

27 Era mazima ddala tubaaniriza mwenna, okujja ku Embassy Hotel enkya olw'eggulo, musobole okusabirwa. Ate si ekyo kyokka, wabula muleete n'abo aboonoonyi wamu n'abo abaddirira. Bwe tusabira abalwadde kyokka, kati weewaawo tulaba Katonda nga akola ebyamagero eby'amaanyi, naye ekyo kijja luvannyuma lwa kiri ekisinga obukulu. Ekisinga obukulu kwe kulokoka, n'ojjuzibwa n'Omwoyo wa Katonda, nga ekyo kye ŋŋenda okwogerako gye muli wano mu ddakiika ntono okuva kati, n'okulaga obukulu bw'okuba nti kitukakatako okujjuzibwa Omwoyo wa Katonda.

28 Kati okuwonyezebwa okw'Obwakatonda kutera okusika ebirowoozo by'abantu, ne kubaleeta mu Kubeerawo kwa Katonda. Katonda bw'abaako ekintu ky'akola kye—kye

bamanyi nti teki-. . . weewaawo, tekitegeerekeka. Tetusobola kulaga ngeri ki gye kikolebwamu. Katonda y'akikola mu ngeri Ye Mwene ey'ekitalo. Kati ekyo kisikiriza ebirowoozo by'abantu, ne kibaleetera okutegeera nti waliwo Okubeerawo kw'Amaanyi agalina we gali awantu awamu, agasobola okukola ekintu ekisukkulumye okutegeera kw'obuntu, era ekyo ne kibaleetera okutunula eri Omwana gw'endiga gwa Katonda. Era bulijjo, okuwonya okw'Obwakatonda, baakiŋŋamba, era nange, nkikkiriza, nti wakati w'ebitundu nkaaga, oba, nga nsanvu ku kikumi, eby'obuweereza bwa Mukama waffe, byali bikola ku kuwonyezebwa okw'Obwakatonda. Era ekyo Yakikola asobole okusikiriza abantu. Era bwe bajjanga, n'alyoka Abagamba nti, "Okuggyako nga mukkiriza nti Nze Ye, mulifiira mu bibi byammwe."

29 Kati, okuwonyezebwa okw'Obwakatonda kintu ddala ekisikiriza eky'amaanyi, okusobola okuleetera abantu okwekaliriza amaaso gaabwe eri Mukama waffe Yesu. Era Dokita F. F. Bosworth, abangi ku mmwe, eyali mukwano gwammwe, era nga mwali mumumanyi, obuweereza bwe bwali butegeeza kya maanyi nnyo gyendi nga nkyali muweereza omuto. Bwe nnatandika okukola enkuŋŋaana zange, nnasisinkana Ow'oluganda Bosworth. Yateranga okugamba nti, "Okuwonyezebwa okw'Obwakatonda," kati nno njogera enkakali, yagambanga nti, "Okuwonyezebwa kw'Obwakatonda ky'eky'okulya ekikozesebwa nga akatego ku ddobo eriroba ekyennyanja." Yagamba nti, "Ekyennyanja tokiraga ddobo. Okiraga kyakulya kiri ekikozeseddwa nga akatego, kati bwe kijja nga kyagala okulya eky'okulya ekyo olwo ne kikwatibwa eddobo." Kale ekyo kye tugezaako okukola. Ekyo kye. . . tu. . . Ekiruubirirwa kyaffe kwe kuleeta abantu eri Mukama waffe Yesu Kristo. Ate Ye omu jjo, leero, n'emirembe gyonna. N'olwekyo bw'aba Yali Muwonya mu biro ebyayita, n'olwa leero Akyali Muwonya.

30 Ka mbaweeyo obujulizi obwange nga tetunnasabira balwadde abawuliriza ku leediyo. Kyaliwo ennaku ntono eziyise, nnali ntudde waggulu eyo mu lusozi ekintu ekimu ekyenkukunala gye kyabeererawo mu maaso g'ab'oluganda nga kkumi na bataano, Malayika wa Mukama bwe yakka wansi mu ngeri ey'amaanyi ennyo, era Ekitangala ekinene ne kimyansa nga kibonoomu, ne kimyansa wonna mu nsozi, enjazi ne zimansukira mu ffuuti nga ebikumi bibiri, n'okusingawo, okuva awo, ne kitemako obusanso bw'emiti. Era nnali nnyimiridde wansi Waakyo. Era nnali nakibagambako nga ekyabulayo emyezi mitono kibeewo, ne mbagamba nga bwe Kyali kigenda okubaawo na biki ebyali bigenda okubaawo; eky'amazima, kyali kyogeddwako eggulo limu. Abasajja bano bonna ne badduka okwekweka wansi w'emmotoka na buli wamu we basobola okwekweka, nga bagezaako okwetaasa. Baali tebamanyi kyali

kibaddewo. Bw'atyo n'Ayogera nga ayogera ebyali bigenda okubaawo amangu ddala oluvannyuma lw'ekyo.

31 Mba ntudde ku lwazi olwali awo, wennyini we yali Alabikidde, wa—waliwo mukwano gwange eyali naffe, eyali avudde engulu eri e Minnesota. Abantu be weebali wano enkya ya leero naye ssiri mukakafu oba naye waali wano oba yandiba nga ali ku gumu ku myaliiro giri emirala. Yali Donavon Weerts, omuvubuka omulungi ddala, eyali Omuluzalaani eyali yaakawaayo obulamu bwe eri Kristo nga yaakajjuzibwa n'Omwoyo. Omuvubuka Omugirimaani omwetoowaze ennyo, nga wa myaka nga asatu, nga alina amaka, n'abaaana nga babiri oba basatu. Yasenguka n'ajja e Tucson asobole okubeera muliraanwa wange, n'abalala nga ebikumi bisatu oba bina abaali basengukiddeyo basobole okunninaana. Kale ya . . .

32 Era ndi musanyufu okuba ne baliraanwa bwe batyo. Bangoberera okuviira ddala mu South Africa, n'ebitundu ebirala buli wamu, nga kye baagala kumbeera kumpi balabe . . . wamu nange, n'okubeera nange n'okunyumirwa essanyu lya Mukama waffe.

Muntu ddala omwetoowaze, nnali ssimwetegerezanga kiri awo.

33 Weewaawo, abantu be mmanyi era be nkolagana nabo balinga baganda bange bennyini, oba bannyinaze. Mbeetegereza, ne ndaba oba nga waliwo, bwe wabaawo gwe ndowooza okuba nti tateredde, ne mmuzza ebbali ne njogera naye, kubanga mbaagala. Twagala tubeere wamu ffenna mu Kitiibwa. Era ob'olyawo ebiseera ebimu, mu nkuŋŋaana, mugenda ne mulowooza nti njogera gye muli n'obukambwe. Naye ekyo tekiva mu . . . sikikola lwa kuba ssibaagala, wabula kiva mu mutima gwange, kubanga ki—ki . . . Kirina kuba mu ngeri emu yokka. Waliwo engeri emu yokka ey'okuweerezaamu Katonda, era eyo ye . . . Era tuteekwa kusigala mu nkola Ye, ebirowoozo byaffe ka bibeere bitya. Erina kuba nkola Ye!

34 Kati nnalaba Donavon, ku kutu kwe okwa ddyo, nga wazimbye kumpi emirundi esatu obunene okusinga bwe kulina okuba, era nga kumyuuse nnyo. Kati, muli nnalowooza nti ob'olyawo, engeri gye twali tumaze ennaku entonotono mu ttale, eyo gye twali, nti ob'olyawo waliwo ekimera eky'amaggwa nga engabo ya kabaka ekyali kimufumise mu kutu. Naye, bwe nnamukwata ku mukono, ne nkizuula nti yali kookolo. Kye nnava ŋŋamba Donavon, ne mmubuuza nti, "Donavon, omaze . . . Kino kimaze bbanga ki nga kiri ku kutu kwo?" Nga ngezaako obutakimulaga, nga nneefudde atannakimanya. Ne mmubuuza nti, "Ekyo kimazeeko bbanga lyenkana wa ku kutu kwo, Donavon?"

Kye yava aŋŋamba nti, "Ow'oluganda Branham, kimaze emyezi nga mukaaga," nga bw'annyanukula.

Ne mmubuuza nti, "Lwaki tewakiŋŋambako?"

35 N'aŋŋamba nti, "Ha, omanyi engeri gye nkulaba nga olina bingi eby'okukola," n'agamba nti, "ssaayagala ku—ssaayagala kukugamba." N'agamba nti, "Nnalowooza nti ob'olyawo lumu Mukama ayinza okukikugamba."

Kye nnava mmubuuza nti, "Naye nga kyennyini ekikuluma okimanyi?"

N'agamba nti, "Ndabika nkimanyi bulungi."

Ne ŋŋamba nti, "Ky'ekyo."

36 Kati bugenda okukya enkeera, awatali kubaako kintu kirala kyonna kye nkola, nga oggyeeko eky'okukwata ku mukono gw'omuvubuka ono, enkeera, tewaliiwo yadde enkovu ku kutu kwe. Nga kookolo yenna yagenze.

37 Emirundi mingi nnyo tufuba nnyo nga bwe tusobola, ne tugezaako okufuna *kino*, *ne kiri*. Oba . . . Mukiraba, naye kigamba nti, "Obubonero buno bunaagobereranga omukkiriza." Tekigamba nti "bwe banaasabira abalwadde." Wabula "bwe banassanga emikono ku balwadde, banaawonanga!" Tuteekwa okuba n'okukkiriza, ffe bennyini, mu ekyo kye tukola. Kale.

38 Kale kati Donavon yandiba nga waali wano. Mujja kumusisinkana. Ajja kubeera wano, bw'aba taliiwo enkya ya leero, nga tali ku gumu ku myaliiro giri emirala. Mujja kumusisinkana, era obujulizi obwo ajja kuba abumanyi.

39 Ye njogere ki ndeke ki? Nzikiriza yali Lukka, oba Yokaana, omu ku abo, eyagamba nti ensi teyandisobodde ku- . . . kugyaamu, kugyaamu bitabo ebyo byonna ebyandiwandiikiddwamu ebintu byonna by'Akoze mu bantu mu nnaku zino ez'oluvannyuma; engeri abalwadde gye bawonyezeddwa, abatamiivu ne basumululwa, mu nkumi n'enkumi, n'endwadde n'okunyigirizibwa okwa buli ngeri.

40 Kati, eri mmwe abawuliriza ku leediyo, wamu n'abali wano, nkutte wano mu ngalo zange ebyetaago ebiwererako ddala eby'okusabirwa ebyatutegeezeddwa okuyita ku lukomo lw'essimu enkya ya leero, ebadde evuga obutaweera okuva we twatuukidde wano. Era tu . . . Waliwo ebyetaago kikumi mu kyenda mu mukaaga ebyazze enkya ya leero, okuyita ku lukomo lw'essimu, kasookedde tuyingira wano. N'olwekyo leka twegatte mu kusaba kati nga buli omu . . . Yonna gye muli, eyo mu bitundu ebitali bimu, buli omu teeka emikono gyo ku munno, bwe muba nga muli bakkiriza. Bwe muba temuli bakkiriza, teeka omukono gwo ku Bayibuli oba ekintu kyonna awo, nga bwe tusaba abali wano n'abali eyo.

41 Ayi Kitaffe omwagalwa ow'omu Ggulu, obujulizi bwa Donavon Weerts obwo obumpimpi, bwe bumu ku bulala enkumi n'enkumi, ayi Mukama, Ggwe mu kisa ekingi . . . Nsaba Otunule munda mu mitima gy'abantu bano abali wano n'abawuliriza eyo

ku leediyo. Era leka, buli omu ku bo, awonyezebwe. Leka omubi abaveeko, era leka basumululwe okuva mu kunyigirizibwa kwabwe kwonna. Kitukolere, ayi Kitaffe. Mu Linnya lya Yesu Kristo, Omwana Wo, tukisabye. Amiina.

Weebale, Mukama . . . [Ebbanga ejjereere ku lutambi—Omuk.]

[Ow'oluganda Branham aggalawo ekitundu eky'okubiri ekya ppulogulaamu y'oku leediyo—Omuk.]

☆ ☆ ☆ ☆ ☆ ☆ ☆

42 Kati, gino emirundi esatu nga nzija wano enkya ya leero. Bannange! Kati, mumanyi, kyakatutegeezebwa nti tulina okwamuka ekizimbe mu ddakiika nga kkumi na bbiri, oba kkumi na nnya, oba bwe watyo. Ate abaddukanya ekifo baagambye, nti abali ku mwaliiro guli eri, nti tebakyasobola kubagabula. Emmere yaffe yakendedde. Omanyi, tulya emirundi mingi. Kale tuli basanyufu nnyo, nnyini okuba nti tufunye jubireewo eno, ey'ekitalo ey'omwoyo, nga bwe nnyinza okugiyita, enkya ya leero mu kifo kino wamu n'abasajja bano abalungi ddala.

43 Njagala okuddamu nate oku—okulangirira nti tu . . . enkuŋŋaana, ez'enkya olw'eggulo, zijja kubeera ku Embassy. Kati, tujja kuba tusabira abalwadde, era tusuubira Katonda okutusisinkana. Kale nange nzize okubaako ekitundu ekyange kye nnyongerako, n'obuweereza bwange, okusobozesa (tukole kyonna kye tusobola) olukuŋŋaana luno okubeera olw'obuwanguzi. Si kufuna buwanguzi lwa kuba nkuŋŋaana zaffe, wabula okufuna obuwanguzi nga abantu basembezza Yesu Kristo. Obwo bwe buwanguzi. Mu nkuŋŋaana zonna zonna, ne bwe tutendereza Katonda okwenkana wa, oba ne tumulaba nga Akola ebintu eby'ekitalo ebyenkana wa, oba n'Ayogera gye tuli emirundi egyenkana wa okuyita mu Mwoyo, n'ebirala; okuggyako nga waliwo ekituukiddwako, ne wabaawo emmeeme eziyingizibwa mu Bwakabaka!

44 Kati Ow'oluganda Shakarian ya—yaakamala okubaako ky'ayogera kati ku ky'alowooza ku nnaku zino ze—ze tulimu. Ekyo mazima ddala nkikiriza n'omutima gwange gwonna, nti tuli mu kaseera akavannyuma, awo wennyini mu—mu bisiikirize eby'akawungeezi. Enjuba etuuse okugwa mu nnyanga. Era bwe tulaba ebintu ebigenda mu maaso nga bwe biri leero, eky'amazima, kizibu okumanya biki ebinaava mu mugigi ogunaddako. Ennaku ntono eziyise . . .

45 Muleke mbeeko ekintu eky'omunda kye mbabuulira. Waliwo okunoonyereza kwe baakola mu Arizona, gye mbeera, mu masomero gonna. Baagezesa abaana, obwongo bwabwe, nga abaana tebakitegeddeeko. Era mumanyi ekyaddirira? Mwalimu amasomero ga ssiniya eya waggulu ne—n'amasomero ga ssiniya eya wansi, ne bakizuula nga abaana ebitundu kinaana ku kikumi

balina ekibabulako ku bwongo. Ensanvu ku kikumi ku abo baali balabi ba ttivi. Mulaba, ebibi, bwe byesolossa ne bitusenseramu ate tetwa . . . Bwe muva awo ne mwebuuza bijja bitya. Muwulira Eddoboozi lya Katonda nga ligivumirira, naye ne twe—twesanga nga tugyezingiriddemu.

46 Muleke mbeeko ne kye mbawa ekigenda okubawuniikiriza. Mulabeeyo, "Si buli aŋŋamba nti, 'Mukama wange, Mukama wange,' nti aliyingira; wabula oyo akola Kitange by'ayagala bikolebwe." By'ayagala bikolebwe kye Kigambo Kye. Tuyinza okuba ab'omwoyo ennyo ddala, ne tubeera n'ebiseera ebirungi okukamala, ne tuleekaana, ne tubuukabuuka, mu nkuŋŋaana zino, nga ebyo tu . . . Ssa—ssaagala kubeera mukolokosi. Naye nnina o—obuvunaanyizibwa eri Katonda, era obuvunaanyizibwa obwo kwe kubeera omwesimbu n'okwogera ekyo ky'Ayagala njogere. Era ndi—ndi musanyufu nnyo olw'ettabi lye California abaŋŋumiikirizzanga mu—mu ebyo bye mpulira ku mutima gwange. Kubanga bwe ssoogera kusinziira ku ekyo kye mpulira ku mutima gwange, awo mbeera munnanfuusi era ssiba, ssibeera na mwesimbu gye muli. Kaakati bwe nnemwa okubeera omwesimbu gye muli, olwo nnaayinza ntya okubeera omwesimbu eri Katonda? kubanga mmwe mbalaba era njogera nammwe. Weewaawo, n'eri Katonda, era, tubeera beesimbu, naye era tuteekwa okuba abeesimbu buli omu eri munne. Ddala tuli mu—mu mulembe omubi, omubi ennyo ddala. Wali oyimiriddeko . . .

47 Muleke mbeeko okwekenneenya okutonotono kwe mbawa. "Si buli aŋŋamba nti, 'Mukama wange, Mukama wange' nti aliyingira; wabula oyo akola ebyo Kitange by'ayagala bikolebwe." Yesu yagamba, nga ali ku nsi nti, "Omuntu taabenga mulamu na mmere yokka, wabula olwa buli Kigambo." Buli Kigambo! Si olumu n'olumu, nga afunayokko Ekigambo, wabula na buli Kigambo.

48 Kyali Ekigambo kimu kyokka bwe kiti ekyabuusibwabuusibwa, Katonda . . . ku biragiro bya Katonda, ekyavaako okufa, ennaku, na buli ndwadde na buli kulumwa mutima, byava ku kuwaba okuva ku Kigambo kya Katonda, Ekigambo kimu bwe kiti! Bw'aba nga yasuula olulyo lw'abantu lwonna mu kufa, nga abaleetera obutakkiriza Ekigambo kimu bwe kiti, "ddala," ddala. Naye yali Yabagamba nti kyali kigenda kubaawo. Ssetaani n'abagamba nti, "Mazima ddala tekijja kubaawo." Naye kyabaawo.

49 N'olwekyo, tuteekwa okugondera buli Kigambo kya Katonda. Kati bwe kiba nga abantu n'okubonaabona kuno kwonna na buli kimu ebyatuuka ku lulyo lw'abantu, bwe biba nga byava ku kukitaputa kifuula nnenge, manya—manya ku butakkiriza Kigambo kimu bwe kiti, tunaasobola tutya okuddayo nga waliwo yadde Ekimu bwe kiti kye tubulwako,

bwe kiba nga kyatuviiramu emiteeru gino gyonna, ne kittisa n'Omwana We?

. . . bangi abaayitibwa, . . . batono abaalondebwa.

. . . bangi abaayitibwa, . . . batono abaalondebwa.

50 Mu kino ssisobola kuggyamu kya kuyigirizaako, naye, olw'okuba tetulina budde bumala, naye njagala mbeeko ne kye mbalekera.

51 Leka tulowooze ku . . . Lumu nnagendako n'Ow'oluganda Shakarian, gye baali bawakisiza ente okuzikolamu maleeto. Ne ndaba e—e . . . mu ggezeeserezo Ow'oluganda Shakarian mwe yannyingiza. Ne bannyika mu nkwaso z'ente ennume, akantu akatono ennyo . . . akuuma akatono ennyo ke bakozesa, akenkana nga akati k'ekibiriiti, ne basikayo amazzi g'enkwaso, ne bagatonnyeza ku kalawuli kano akaazizimbulukusa emirundi bikumi na bikumi. Era mu mazzi g'enkwaso ago, mwalimu obuweke obutini obw'obulamu nga bubuukabuuka. Era, nga tukimanyi nti akaweke ak'obulamu kasibuka mu kitonde ekisajja, ate eggi ne liva mu kitonde ekikazi. Ne mbuuza omukugu oyo eyali abikebera, ne mmubuuza nti, "Buki obwo obubuukirabuukira omwo bwe butyo?"

N'aŋŋamba nti, "Obwo—obwo bulume n'obuyana." Mukiraba?

Ne mmubuuza nti, "Mu katondo ako akatono bwe katyo?"

N'aŋŋamba nti, "Weewaawo."

52 Kye nnava mmugamba nti, "Kitegeeza ob'olyawo mu mazzi g'enkwaso ago gonna mwandibaamu obwo nga akakadde kalamba?"

N'aŋŋamba nti, "Ekyo, ddala bwe kiri." Mukiraba? Kati, mwekkaanye.

53 Kati, ekintu kino ekikulu bwe kibaawo, wabaawo eggi limu eriba lirindiridde akaweke ak'obulamu kamu okuva mu buweke akakadde akalamba obuli mu mazzi g'enkwaso ago. Ate tewali n'omu ayinza kumanya kaweke ki, oba ggi ki erinaawakisibwa. Singa wekkaanya okuzaala okw'obutonde, kwewuunyisa nnyo n'okusinga e—embeerera okuzaala. Kubanga, mu mazzi g'enkwaso gano, mubeeramu akaweke kamu kokka akaateekerwateekerwa okulama, obulala bwonna obusigadde buba bujja kufa bufi. Ate si ako akasooka okusisinkana eggi; wabula ako akasooka okwegatta n'eggi. Ob'olyawo eggi liyinza okuva emabega awasemba mu mazzi g'enkwaso gye libadde, oba nga libadde mu makkati g'amazzi g'enkwaso; n'akaweke ako ak'obulamu nako kayinza okukola ekintu kye kimu, eggi kye likoze. Akaweke ako ak'obulamu kawuga ne kayingira mu ggi, obukira obukabaako ne bukakongokako, era we bukutukirako we wamerera enkizi. Wabeerawo akaweke ak'obulamu kamu kokka okuva mu lwebeeya lw'obuweke obw'obulamu obwo

bwonna, obuwera akakadde kalamba obubeera mu nkwaso ezo, akabeera kagenda okulama, kamu kokka; era ekyo waliwo Amaanyi agatamanyiddwa, agakisalirawo omuntu. Nga ate, bwonna, bubeera bufaanagana, obuweke obwo obw'obulamu bwonna bubeera bufaanagana. Kye kimu ne mu nsolo. Kye kimu ne mu bantu. Kisalibwawo oba agenda kuba mulenzi, oba muwala, oba wa nviiri mmyufu, oba nzirugavu, oba kyonna kyonna. Kisalibwawo Katonda. Bwonna bubeera bufaanagana, mu butonde, naye mubeeramu kamu kokka mu bwonna akabeera kaateekerwateekerwa okulama; kamu kokka ku buli kakadde, nga ate bwonna bufaanagana.

54 Isiraeri bwe baava e Misiri, waaliwo abantu nga obukadde bubiri abaavaayo mu kiseera kye kimu. Buli omu ku bo yawulira obubaka bwa nnabbi. Buli omu ku bo yalaba Empagi y'Omuliro. Buli omu ku bo yabatizibwa mu Musa, mu Nnyanja Emmyuufu. Bonna baayogerera waggulu—mu Mwoyo, ne bakuba enseege ne badduka nga bambuka bwe badda eno n'eri ku lubalama, wamu ne Miryamu, Musa bwe yayimbira mu Mwoyo. Bonna, buli omu ku bo, yanywa okuva mu Lwazi lwe lumu olw'omwoyo. Bonna, buli omu ku bo, yalya Emmaanu buli kiro. Buli omu ku bo! Naye babiri bokka be baatuuka mu nsi, omu omu okuva mu buli kakadde.

55 Ekigezo kyali kiki? Bonna baanywa okuva mu Lwazi lwe lumu, bonna baalya Emmaanu ey'omwoyo nga gye tulya enkya ya leero, naye ekigezo ky'Ekigambo kyabagezesa. Bwe baatuuka mu kiseera kya Kadesu-banea, bwe baatanula okusomoka okugenda mu nsi ensuubize, tebaasobola kusomoka okutuusa nga bamaze okugezesebwa n'Ekigambo. Era bali—bali abalala ekkumi bonna baakomawo, nga bagamba nti, "Tetusobola kugirya! Bali abantu balinga. . . Ffe tuli nga obwacaaka bwe twegeraageranya nabo, n'ebibuga byabwe bigulumivu okukamala ate biriko bbugwe. Okusoomoozebwa kususse obunene."

56 Naye Yoswa ne Kalebu ne bakkakkanya abantu. Ne bagamba nti, "Tuyinza nnyo n'okukirawo okugirya!" Lwaki? Katonda yali yagamba, bwe baali tebannasimbula, kugenda mu nsi ensuubize nti, "Ensi ngibawadde. Ngibawadde. Yammwe." Naye mu buli kakadde mwavaamu omu omu.

57 Waliwo abeeyita Abakristaayo obukadde nga bitaano mu nsi leero, era buli lunaku wabaawo omulembe oguba guggwaako. Era kati, watya singa Okukwakkulibwa kubaawo olwa leero era abantu ebikumi bitaano, mu nsi yonna, ne batwalibwa mu Kukwakkulibwa? Temusobola na kumanya yadde okubiraba mu mpapula z'amawulire, nti baagenze. Ate Okujja kwa Mukama waffe Kujja kwa kyama. Alijja n'abanyakulawo bunyakuzi. Baliba batono nnyo ddala, okutuusa nti . . .

58 Nga bwe kyali mu nnaku ziri abayigirizwa bwe baabuuza Yesu nti, "Lwaki Abawandiisi bagamba nti—nti Eriya y'alina okusooka okujja?"

N'abagamba nti, "Yajja dda, wabula temwakimanya."

59 Mwali mulowoozezza ku kiki abantu kye baakola? Baagenda mu maaso nga bakkiriza nti Mala-. . . nti Mal-. . . Eriya yali ajja. Kyokka nga yali mu makkati gaabwe, naye nga tebakimanyi.

60 Bwe kityo era bwe kiriba ne mu kujja kw'Omwana w'omuntu! Era Naye balimuyisa mu ngeri y'emu. Omwoyo wa Katonda ali wano. Naye, tugenda kumuyisa tutya? Tugenda kugenda mu maaso na kulya Mmaanu, n'ebirala, naye nga tetukula kugenda mu maaso?

61 Mwali mwekkaanyizza ensigo, nga Levulandi Pitts bwe yabadde ayogera akaseera katono akaakayita, ku ngeri ensigo gy'egenda mu ttaka? Mu ttaka omwo mulimu ensigo nnyingi. Katonda bwe yamaamira ku mazzi, n'Ekitangaala, Ekitangaala ne kireeta, Okubeerawo kwa Katonda okwasooka, Omusana ogwayogerwa gwajja lwa Kigambo kya Katonda. Era Ekigambo kya Katonda na buli kati kye kintu kyokka ekireeta Ekitangaala. Era amazzi we geekuŋŋaanyiza, ensigo zaalimu mu ttaka, era Omusana gwamerusa bumerusa nsigo ezo zokka ezaasigala nga zirimu akaweke ak'obulamu mu zo, ze zaamera. Katonda nga akola obutonde Bwe.

62 Era kati, ne ku makya ga Paasika waaliwo Ekitangaala ekirala ekyayaka ku nsi, Omwoyo Omutukuvu bwe yaweebwa. Era nga Yaweebwa okusobola okuleeta Omusana eri Ensigo ezo Katonda, olw'okumanyirawo Kwe okw'ebintu nga tebinnabaawo, ze yamanya nti zaali za kuba wano ku nsi. Nga bwe yali amanyi ensigo eyasooka ey'obutonde, mu ngeri y'emu Amanyi n'Ensigo ey'omwoyo w'eri. Omubiri gwo gwali wano wennyini ku nsi, Katonda we yasookera okutonda ensi. Tuli kitundu ku nsi. Twali munda mu yo. Era olw'okumanyirawo Kwe okw'ebintu nga tebinnabaawo Yamanya ani alimwagala ne ani alimuweereza, n'oyo atalikikola. Okumanyirawo Kwe okw'ebintu nga tebinnabaawo ekyo kwe kukinnyonnyola. Bwe kitaba kityo, awo aba si Ye Katonda. Tasobola kuba Katonda ate n'aba nga aliko ekkomo mu kumanya. Era bw'Aba nga taliiko kkomo mu kumanya, kitegeeza amanyi ebintu byonna.

63 Kale, ky'ova olaba nga abantu bakola ensobi. Bakyesittalako. Bakibamirako, ne balowooza *kino* na *kiri*, naye tebikola nga bwe basuubira, tukiraba. Naye waliwo engeri entuufu gye kiteekwa okukolebwamu, era eyo kwe kuzuula ekyo Katonda ky'ayagala kikolebwe n'okukiyimiriramu, ekyo Katonda kye yakuyitira.

64 Nga Ow'oluganda Jack bwe yayogedde emabegako nga ageeraageranya ku kibangirizi kino emmanga wano ekya—ekya Pershing Square, akavuyo ako konna akaliyo. Omu adda

muno, omulala adda *muli*; n'akigeraageranya n'abaasomerera eby'eddiini, n'abalala bonna, n'agamba nti ggwe ayagala okubaako by'otegeera ku by'eddiini, sserengetako emmanga eyo.

65 Ntebereza bwe kityo bwe kiri ne mu kibangirizi kya Hyde Park mu London. Nnaliyokko, naye nga buli omu alina endowooza eyiye ku bubwe. Ki—kintabuli eky'ensi ey'omulembe guno mu Babulooni.

66 Naye mwakyekkaanyizza o—Ow'oluganda Pitts bwe yabadde agenda mu maaso n'okubuulira gye tuli obubaka bwe obulungi enkya ya leero? Bwe yatanula okufuluma ekibangirizi, n'asisinkana eddanga etto erya Paasika. "Wakati mu kavuyo ako konna," nga bwe yakitunnyonnyodde, "teryalina ngeri yonna gye liyinza kugamba nti 'yee' oba 'nedda.' Bwali bulamu bwa Katonda nga bwe bulyakaayakaaniramu, wakati mu kavuyo ako konna." Lyali awo mu kumasamasa kwalyo, kubanga Katonda yali yaliteekerateekera kubeera awo. Wakati mu butakwatagana obwo bwonna, tewaali muntu yenna yali aliraba. Tebaalaba makulu gaalyo ga mwoyo.

67 Bwe kityo bwe kiri ne leero mu nkuŋŋaana zaffe ennene n'ebibinja, n'amakanisa n'ebibiina by'amadiini, n'ebirala. Ekimu kisika kizza *eno* nga kigamba nti, "Tulina kuba Babaputisiti, oba tulina kuba Bapulesibiteriyani, tulina kuba *kino*, *ekyo*, oba *kiri*." Mu makkati g'ebyo byonna, waliwo ekimuli ekikula. Waliwo amaanyi ga Katonda mu makkati gaffe, agayimusibwa mu makkati gaffe ffenna. Leka tuyimirize bye tukola tugekkaanye, okumala eddakiika entonotono, tugekkaanye mu wiiki eno, tugalabe nga galabisibwa wano wennyini mu maaso gaffe nga tulaba. Tukkiriza nga Katonda ajja kukikola. Temukikkiriza? [Ekibiina kiddamu nti, "Amiina."—Omuk.]

68 Ndaba nga tusaanye kubeera ku mwaliiro ogwa wansi mu kaseera kano. Kale leka tusabe, buli omu ku ffe.

69 Ayi Katonda omwagalwa, bwe tukoteka emitwe gyaffe mu Kubeerawo Kwo, tuwulira nga tetusaanidde na kusaba kintu kyonna. Naye Watusuubiza nti, bwe tunajja, t'Otugobe. Era bino ebigambo eby'obukambwe ebyogeddwa, nga tebigendereddwa kuba njigiriza nti, "omu omu mu buli kakadde," wabula bibadde bya kutujjukiza. Kubanga Wagamba nti:

> *. . . omulyango mufunda, n'ekkubo lya kanyigo, eridda mu bulamu, era* baliba *batono nnyo* abo *abaliriraba.*
>
> *Kubanga abayite bangi, naye abalondemu batono.*

70 Ayi Kitaffe Ataggwaawo, weereza Omusana gw'Enjiri okubuna ekibuga kino, okuyita mu wiiki eno ejja ey'enkuŋŋaana. Era bwe mubaamu Ensigo yonna, mu ngeri emu oba endala olw'Okugabirira Kwo okukulu, okw'amagezi, nga bwe ngezezzaako okukinnyonnyola okuyita mu ky'okulabirako

ky'enkwaso z'ekisajja bwe zisisinkana n'eggi ly'ekikazi, leka bakuluumulukuke nga bajja mu lukuŋŋaana. Leka Omwoyo Omutukuvu abawe Omusana. Tukiraba nti ekiseera kiyise nnyo n'okusinga bwe tulowooza. Tusaba, ayi Katonda, nti nga bwe tujja wano, nga tukkiriza nti oba oli awo waliwo ekintu wano ekiyinza okukolebwa ekiyinza okuyamba abantu, oba—oba okukwata endiga eyo esembayo. Tukimanyi, nti ekisibo kasita kinajjula bwe kiti, olwo nga Omusumba aggalawo oluggi.

71 Nga bwe kyali mu biro bya Nuuwa, mmemba wa famire asembayo olwali okuyingira ati, Katonda oluggi n'aluggala. Era ekyombo baakikuba ne bakiggunda, naye bwali kikeerezi nnyo. Katonda omwagalwa, akakisa baakafuna.

Wagamba nti, "Nze Luggi olwo oluyingira mu kisibo."

72 Era nga oluyimba lw'omutontomi luggyirayo ddala amakulu nti, "Ekyenda mu omwenda tezikumala? Naye, nedda, waaliyo endala emu eyali ebulako." Endiga eyo emu kandiba akaliga akaddugavu, oba yandiba omuntu atalina kya maanyi ky'ali, yandiba akaliga akakazi oba akasajja. Tetumanyi wa gy'eri, naye endiga eyo esembayo erina okuyingira olwo oluggi lulyoke luggalwe. Ayi Katonda, Ggwe amanyi ebintu byonna, kebera obulamu bwaffe enkya ya leero. Era otusindike eyo yonna gye tusobola okutuuka, tusobole okuzuula endiga eyo esembayo, oluggi lusobole okuggalwa nga Omusumba ali munda awamu n'endiga. Kituwe, ayi Mukama. Bwe kiba nga omu oyo ali wano leero, oyo ateekwa okuyingira bw'aba nga . . .

73 "Bonna Kitange be yampa balijja Gyendi. Era tewali muntu ayinza kujja, okuggyako nga Kitange y'amuleese."

74 Kaakano bwe wabaawo okusikibwa, oba enneewulira entono ennyo, nti kano kandiba nga ke kaseera eri omuntu omu ali wano mu kibiina, wano we tuli oba ku mwaliiro ogwa wansi, oba wonna w'ali, leka ayanukule nti, "Weewaawo, Mukama, nze kaliga kali akaali kaabula; era nga mbadde ngezaako okugwessammula, obulamu bwange bwonna. Bu—bu—bulijjo mpuliddenga nga nsaanidde okujja, naye leero ntuuse we mpulira nga nnemereddwa. Ssikyasobola yadde okuseetula ekigere. Ssikyasobola kweyongerayo." O, leka Omusumba omukulu ajje, asitule akaliga ako n'emikono gye emigonvu akayingize mirembe munda, akasitulire ku bibegaabega Bye era akakomyewo mirembe.

75 Ob'olyawo waliwo endiga, ayi Mukama, endwadde, nga eri mu mbeera y'emu, nga omusawo gye yagamba nti, "Tewakyali kiyinza kukolebwa." Yagezaako nnyo ddala okugitaasa, naye n'atasobola kugitaasa. Nga takyalina ky'ayinza kukola. Tewali—tewali ky'ayinza kukola. Nga eddagala lye n'akaso ke tebisobola kutuuka ku ndwadde eyo w'eri. Naye, Ayi Mukama, tewali kiri wala nnyo kuba nti tekituukikako mukono Gwo ogw'amaanyi, era Ekigambo Kyo gwe mukono Gwo. Na bwe kityo tusaba,

ayi Katonda Omwagalwa, nti, enkya ya leero, nga bwe twogera naawe, Okke wansi ositulewo oyo omulwadde atakyasobola na kweyamba, enkola za ssaayansi zonna gwe ziremereddwa, abasawo gwe batakyayinza kuyamba, asobole okuwonyezebwa. Kituwe, ayi Mukama.

76 Nga bwe tulowooza ku Dawudi, nga bwe yaweebwa obuvunaanyizibwa obw'okulabirira endiga entonotono, entono ddala. Naye lumu eddubu ne lijja ne likwakkula akaliga ako ne likatwala, era nga lyandikalidde (nga kookolo bw'ayinza okulya omubiri n'agumalawo), oba empologoma ennene. Naye Dawudi, awatali bya kulwanyisa bya maanyi nga—nga emmundu, oba, ataalina bumanyirivu mu kulwanyisa kitala, wabula nga akozesa envuumuulo yokka, yagenda anunule akaliga ako akakomyewo. Era bwe yasanga e—ensolo eyo eyali enaatera okutta akaliga ako, yagitta nga akozesa envuumuulo eyo. Ekyali eky'okulwanyisa ekinyomebwa ekyakolebwa mu kaliba obuliba ak'ensolo akaliko akaguwa, naye yali agyeekakasa.

77 Tetulina muntu mugezi nnyo mu makkati gaffe, Mukama. Tuli bantu aba bulijjo nga tusaba essaala ennyangu, naye enkya ya leero tujja okunonayo endiga ya Kitaffe okugikomyawo. Omukazi oyo abadde abungeetera ku nguudo, mu nnaku, nga anywa ssigala, nga agezaako okunoonya emirembe nga ayita mu kunywa ssigala oyo; omusajja oyo eyawunyiriza ku ggiraasi y'omwenge n'agezaako okugizza wansi aguveeko, naye nga omulabe akyamunywezezza; omulenzi oyo oba omuwala oyo agezezzaako okukola ekisaanidde, naye nga akyalemeddwa okufuna amaanyi ag'okwekutula ku kintu ekyo ekikyamu; tujja mu Linnya lya Mukama waffe Yesu, okubanjaayo endiga eyo enkya ya leero. Tusoomooza omulabe, kubanga kya kulwanyisa kyangu nnyo, nvuumuulo ya ssaala yokka, naye endiga eyo tuginona okugizzaayo mu kisibo kya Kitaffe, tusobole okwanukulira ebintu ebyo ebyatukwasibwa mu mikono gyaffe. Leka amaanyi ga Katonda kaakano gannyikize okukkiriza munda mu mitima gy'abantu, era leka emmeeme eyo ebadde yabula ekomewo enkya ya leero. Leka ebikemo by'obulamu buno bigite, eteebwe. Era leka yeesange nga eri waggulu ku bibegabega bya Mukama waffe, nga esituddwa ezzibwayo awali obukuumi. Tukisabye mu Linnya lya Yesu. Amiina.

78 Katonda abawe omukisa mwenna. Okutuusa lwe nnaabalaba enkya, leka olukuŋŋaana ndukwase Ow'oluganda Shakarian. [Ebbanga jjereere ku lutambi—Omuk.]

[Ow'oluganda Branham aggalawo ekitundu eky'okusatu—Omuk.]

☆ ☆ ☆ ☆ ☆ ☆ ☆

79 Kino, nsu—nsuubira nti mujja ku. . .nti ndabye ekisa mu maaso ga Katonda ne mu maaso gammwe, okuba nti temukkiriza nti nsobola okuyimirira wano ne mbabuulira ekikyamu. Jjuuzi,

nnajaguza amazaalibwa gange ag'omwaka ogw'ataano mu omukaaga. Buno si Bubaka bwa muzeeyi omukadde. Bwenti bwe mbadde nzikiriza okuviira ddala nga nkyali kalenzi kato. Era kino bwe kiba nga si kituufu, kitegeeza nze mbadde omusiru asembayo Katonda gwe yali atadde ku nsi. Mpaddeyo obulamu bwange bwonna ku lw'Omulimu guno. Era kino leka nkyogere n'obwesimbu: ne bwe nnandibadde wa kubeera mulamu emirundi omutwalo mulamba, era ssandikyusizza ndowooza yange.

80 Kati, buli omu asobola okufuna okuwonyezebwa. Jjukira nti, okuwonyezebwa kuli munda mu ggwe. Amatugunda gonna agalina okubala ku muti gw'amatugunda Katonda yagagutonderamu, bwe yali agusimba mu Lusuku. Mukiraba, olina ku. . . omuti gw'amatugunda oba omuti gwa apo, oba omuti gw'ebibala, kyokka kye gulina okukola kwe kukula, nga gusika amazzi okuva mu ttaka. Kati buli omu ku mmwe alina obusobozi obwo mu ye, okusumululwa, kubanga Katonda y'azze akikola, kasookedde osimbibwa mu Kristo okuyita mu kubatizibwa (si okubatizibwa mu mazzi), wabula okubatizibwa okw'omwoyo. Okubatizibwa mu mazzi tekukuyingiza mu Kristo. Omuyingiramu kuyita mu kubatizibwa kwa mwoyo!

81 Enkya olw'eggulo, Mukama nga ayagadde, nja kwogera ku ekyo, ku *butya* bw'omuyingiramu na *kiki* ddala Okubatizibwa okwo kye kutegeeza. Tujja kukyogerako olw'eggulo kireme kutaataaganya nkuŋŋaana z'eyo gye musabira.

82 Kati mulabeeyo, buli omu ku mmwe abali wano muyimiridde nga muli bakkiriza, mukiraba, kitegeeza Obulamu obwali mu Kristo buli mu mmwe. Kisoboka, ssinga musobola okukiraba!

83 Ssetaani ky'akola kwe kufuba okulaba nga akuziyiza okuva eri Obulamu obwo, oleme kubulaba. Bw'asobola okukuguumaaliza awo nga tolaba, olwo, okiraba, ojja kuba tomanyi wa gy'olaga. Omuntu omuzibe w'amaaso tasobola kulaba gy'alaga, abeera alina okubaako omuntu omulala alaba gw'asaba amuyambe. Okutuusa we tutuukira we tusobolera okutegeera, wateekwa okubaawo omuntu atubuulira Amazima ge galuwa.

84 Kati Kristo yafa ku lulwo, na bwe kityo wasimbulizibwa okuva mu nsi n'osimbibwa mu Kristo. Era buli kimu kye weetaaga kiri mu ggwe, okuyita mu kubatizibwa kw'Omwoyo Omutukuvu. Si bwe kiri? Kati kyokka ky'olina okukola kwe kutandika okunywa okuva mu Oyo.

85 Era omuti gye gweyongera okusika amazzi, gutandika okumera ebikoola, ne gutojjera, ne gussaako ebibala byagwo buli mwaka. Ebibala tebibeera mu ttaka; ebibala bibeera mu kimera. Ekyo bameka abakitegeera, mugambe nti "amiina." [Ekibiina kiddamu nti, "Amiina."—Omuk.] Kati, mukiraba, ekibala kisangibwa mu kimera, ate buli kimera kiteekwa

kunywa kuva mu nsulo yaakyo. Enkuba buli lw'etonnya, ewa ekimera ekyo, obulamu, kwe kisobola okunywa. Era, gye kikoma okunywa, gye kikoma okukula.

86 Era kigenda kikula okutuusa lwe kitojjera mu bujjuvu, era nga Ekkanisa bw'eze ekula okutuuka mu mulembe guno.

87 Naffe, gye tukoma okunywa, gye tukoma n'okukula. Naye ssinga ekimera kigaana okunywa, awo ekimera ekyo kiba tekisobola kukula. N'olwekyo osaanye okikkirize kaakano, ggwe nga ssekinnoomu!

88 Weewaawo, omanyi engeri Mukama gy'akolamu, nga alaga ebintu eby'enjawulo, eby'ebyo bye wakola n'ebyo bye wali tosaanidde kukola, n'ebirala, mu lukuŋŋaana. Tubadde tusuubira nti Omwoyo Omutukuvu anaatukkako enkya ya leero akole ebintu bwe bityo, nga bwe twayimiridde. Naye nsigadde nnindiridde.

89 Ndowooza ekikiremesezza okubaawo kwe kuba nti ndi ku bunkenke, nga ndowooza nti ab'okumwaliiro ogwa wansi baagala twamuke ekizimbe, mukiraba. Naye baagala tufulume; kati tuluddewo.

90 Naye kino kikkirize, n'omutima gwo gwonna. Nkwegayiridde kikkirize. Bwe—bwe mba nga ndabye okuganja mu maaso gammwe, nti ndi muntu wa mazima, kino mukikkirize. Kati buli omu teeka emikono gyo ku—ku munno.

91 Kati mulabeeyo, kati, Bayibuli teyagamba nti, "Obubonero buno bunaagobereranga William Branham." Teyagamba nti, "Bunaagobereranga Oral Roberts yekka." Teyagamba nti bunaagobereranga "Ow'oluganda Kopp" oba "gundi."

92 "Obubonero buno bunaabagobereranga," bangi, "abakkiriza. Bwe banaateekanga emikono gyabwe ku balwadde, banaawonanga." Gabeera maanyi ga Katonda ago agali mu ggwe, ge galeeta Obulamu eri omuntu gw'obeera otaddeko omukono gwo, ensulo eyo ey'Obulamu ey'Omwoyo Omutukuvu.

93 Ayi Katonda Omwagalwa, mu Linnya lya Yesu Kristo, mu kaseera kano akakulu nga ekkanisa . . . leka bayimirire mu kaseera kano kennyini, awatali kweraliikirira kwonna, era leka Amaanyi agaazuukiza Kristo okuva mu ntaana, galamuse gye bali mu kaseera kano Amazima g'Enjiri, nti omulimu gwa Yesu gwe yatutuma okukola gwali nti, bwe "banaateekanga emikono ku balwadde, nabo banaawonanga." Leka buli maanyi ga dayimooni, buli bulwadde, buli ndwadde, buli kunyigirizibwa, buli kintu ekitulugunya ekibadde ku bantu bano, leka kigende kati kati olw'okukkiriza. Nga abantu abakkiriza, tukisabye mu Linnya lya Yesu Kristo. Amiina.

94 Kati yimusa emikono gyo omuwe ettendo, bw'oba okkiriza nti Akikoze.

95 Ayi Katonda Omwagalwa, omwana ono ajja kufa, Mukama, okuggyako nga kino kikoleddwa. Nnenya ekyefundikidde kino, mu Linnya lya Yesu Kristo. Leka kive ku mwana ono atalina musango. Amiina.

Kati, abasawo bagezezaako, ne balemwa. Kkiriza bukkiriza.

Omu Okuva Mu Buli Kakadde LUG65-0424
(One In A Million)

Obubaka buno obwabuulirwa Ow'oluganda William Marrion Branham, bwabuulirwa mu Lungereza ku Lwomukaaga ku makya, nga 24, Apuli, 1965, ku ky'enkya kya ba Full Gospel Business Men's Fellowship International mu Clifton's Cafeteria mu Los Angeles, California, mu Amerika, buggyiddwa ku lutambi olwa kkaseti ne bukubibwa mu Lungereza nga tebukyusiddwamu. Buno obuvvuunuddwa mu Luganda bwakubibwa era ne busaasaanyizibwa aba Voice Of God Recordings.

LUGANDA

©2023 VGR, ALL RIGHTS RESERVED

Voice Of God Recordings
P.O. Box 950, Jeffersonville, Indiana 47131 U.S.A.
www.branham.org

Ekirango ky'obwannanyini

Obwannanyini bwonna bwesigaliziddwa. Ekitabo kino kisobola okukubibwa mu kyapa ku kyuma ekikuba empapula eky'awaka nga eky'omuntu okwesomera ku bubwe oba nga eky'okugaba, ku bwereere, nga ekikozesebwa eky'okubunyisa Enjiri ya Yesu Kristo. Ekitabo kino tekikkirizibwa kutundibwa, kukubibwa mu bungi, kuwanikibwa ku mutimbagano gw'ensi yonna, kuterekebwa mu ngeri yonna etali ya kyapa, kuvvuunulwa mu nnimi ndala, oba okukozesebwa okusaba ssente awatali kufuna lukusa mu buwandiike okuva mu Voice Of God Recordings®.

Okumanya ebisingawo oba ebintu ebirala bye tulina, tukusaba otuukirire:

VOICE OF GOD RECORDINGS
P.O. BOX 950, JEFFERSONVILLE, INDIANA 47131 U.S.A.
www.branham.org